BUUZA OMUSAWO

# Kiki ekivaako puleesa y'amaaso?

**AMAASO gange gatera okumyuka ennyo, ate nga bang'amba nti, ekizibu kino kijja oluvannyuma lw'okubeera ne puleesa y'amaaso. Kiva ku ki omuntu okukubwa puleesa y'amaaso era bubonero ki kw'ogirabira nti, ye yo era bwe mbeera ngirina nnyinza kwejjanjaba ntya?**

Puleesa y'amaaso bulwadde obukwata amaaso nga buleetebwa ebintu bisatu (3) omuli; puleesa okweyongera, omuntu okubeera nga tasobola kulaba bintu ebikuli emabbali n'enkyukakyuka y'obusiwa bw'amaaso.

Puleesa y'amaaso bwe yeeyongera okusukka ku 21 omanya ogenda kufuna ekizibu eky'obutaddamu kulaba.

Puleesa eno erimu ebika, ng'esobola okukulumisa amaaso, esobola okuba ng'ekkubo eritambuza amazzi lizibikidde oba esobola okubeera ng'omwana azaaliddwa nayo.

## KW'OLABIRA NG'OFUNYE PULEESA Y'AMAASO

- Okusiiyibwa amaaso omuntu n'alowooza nti, alina alaje, okuzimba n'okulumizibwa.
- Okulumwa omutwe ku ludda okuli eriiso eririna ekizibu.
- Okufuna ekifu n'olaba langi ez'enjawulo.
- Okumyuka amaaso.
- Omwana azaaliddwa ng'alina puleesa y'amaaso abeera n'emmunye nga nnene. Eriiso bw'olikubamu ekitangaala liraga langi ya bbululu, oba akatuli akabeera wakati mu liiso kagaziwa.
- Amaaso agalina ekizibu ekyo bw'okubamu ekitangaala omulwadde abeera akitya.
- Amaaso okuvaamu amaziga amayitirivu agatali ga kukaaba.

## EBIREETA

Omuntu asobola okufuna puleesa y'amaaso ng'alina ekintu ekyamukuba ku liiso gamba ng'olukoba, omusaayi ne gugenda munda mu liiso ne guzimba ne weesanga ng'omusaayi n'amazzi biri mu kifo kimu ne bireetera eriiso okwepika.

## ENZIJANJABA

Puleesa ekika ekisooka ekya 'Primary' tewabeera kigireese wabula emirundi egisinga



Dr. Twaha Byaruhanga

butambulira mu musaayi era abantu bakubirizibwa okwekebeza naddala abo abawezezza emyaka 40 ate n'abaana abaakazaalibwa.

Okwekebeza kiyamba nti, singa osangibwa ng'obulina ofuna obujjanjabi nga bukyali naye bw'otuuka ng'eriiso lizibye tewaba mukisa gwa kuddamu kulaba.

Mu baana bwe wabeerawo obuzibu buno tukubiriza abazadde okubatwala balongoosebwa mu bwangu.

Ate omuntu yenna ssinga weesanga nga mu ffamire ekizibu kya puleesa y'amaaso gye kiri wandibadde oyanguwa okwekebeza.

Bw'okeberebwa n'osangibwa ng'olina puleesa eno kikulu obutava ku ddagala waakiri buli luvannyuma lw'emyezi esatu oddeyo mu ddwaaliro okumanya bw'oyimiridde.

Okugoberera okulung'amizibwa kw'abasawo.

Omuntu ng'otawaanyizibwa puleesa y'omubiri kiba kirungi okugikwasaganya obulungi kuba nayo bw'otogifaako esobola okuleetera ey'amaaso okulinnya.

Puleesa egenda ekula mpola mpola okutuuka omuntu okulaba kwe nga kukendedde ssinga obeera tewalaba basawo ku bwangu.

**Ekibuuzo kiddiddwaamu Dr. Twaha Byaruhanga omukugu mu kujjanjaba endwadde z'amaaso ku ddwaaliro lya Specina Eye Care and Optics ku Kyengera Mall nga yabitegeezezza HARRIET NAKALEMA.**